Ecolebooks.com

**NAME:------------------------------------------INDEX NO:------------------**

**DATE:---------------------------------------------SIGNATURE:-------------**

**P360/1**
**LUGANDA**
**PAPER 1**
**2 ½ HRS**

# UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION

**INTERNAL MOCK EXAMINATIONS 2017**

**LUGANDA**

**AMATEEKA N'ENKOZESA Y'OLULIMI, OBUWANGWA N'ABAWANDIISI**

**OLUPAPULA OLUSOOKA**

**ESSAAWA: BBIRI N'EKITUNDU**

***EBIGOBERERWA:***

- ***Olupapula luno lugabanyiziddwaamu ebitundu bisatu: A, B ne C.***
- ***Mu kitundu A kya buwaze.***
- ***Mu kitundu B, kola nnamba 2, 3 ne 4. Oweereddwa ebyokulondako.***
- ***Mu kitundu C, ggyamu ekibuuzo kimu (1) ng'okironda ku bikuweereddwa.***

## EKITUNDU A

***Ddamu ebibuuzo byonna ebikuweereddwa mu kitundu kino.***

***1.(a) Golola ensobi ezikoleddwa mu mpandiika mu sentensi ezikuweereddwa. (Obubonero 5)***

(i) Omulwadde bamututte mu ddwaaliro.

(ii) Saamusaangayo gye wandagirira.

(iii) Yeddira ngaali oba ffumbe?

(iv) Ettala eweddemu amafuta.

(v) Ehhyambiya ensaze.

(b) Menya embu z'amannya ttaano (5) ezigwamu mannya agali mu bungi era owe ekyokulabirako ky'erinnya limu erigwa mu buli lubu lw'omenye. ***(Obubonero 10)***

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

***(c)*** ***Saza omusittale ku Nnakasigirwa entabaluganda eziri mu mboozi zino wammanga.*** ***(Obubonero 5)***

(i) Abawala abasomera e Lubaga balina empisa.

(ii) GEkkanzu gye yagula nkadde.

(iii) Amaato ge beeyazise gaatise.

(iv) Ettooke lye waleese tto.

(v) Omugaati gw'oguze guvunze.

***(d)*** ***Mu mabanga agalekeddwa jjuzaamu entababigambo entuufu.*** ***(Obubonero 2)***

(i) Babadde basambye bulungi……………bakoye mangu.

(ii) Twakomyewo mangu………………..tugenda ku luzzi.

***(e)*** ***Wandiika emiwendo egikuweereddwa mu bigambo.*** ***(Obubonero 2)***

(i) 434,201

(ii) 6,202,200

***(f)*** ***Jjuza nakongezalinnya entuufu mu mabanga agalekeddwa mu sentensi zino nga weesigama ku kikuweereddwa mu bukomera.*** ***(Obubonero 2)***

(i) Oyagala enkoko……………..? (nakongezalinnuya embuuzi)

(ii) Omwana……………………..tabuuza. (nakongezalinnya endazi)

***(g)*** ***Wa ekigambo kimu ekirina amakulu ge gamu n'ekyo ekikuweereddwa.*** ***(Obubonero 4)***

(i) Omutasalanjala

(ii) Nnaatuukirira

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

Ecolebooks.com

## EKITUNDU B

***Kola nnamba 2, 3 ne 4 ng'ogoberera ebikuweereddwa.***

2.(a) Laga obukulu bw'enkoko mu buwangwa bw'omuganda. ***(Obubonero 20)***

**OBA**

(b) Nnyonnyola engeri emikolo gino bwe gikolebwa mu buwangwa bw'Abaganda. ***(Obubonero 20)***

***Kola 3(a) ne 3(b).***

***3.(a) Ku bisoko ebikuweereddwa londako bina (4) onyonnyole amakulu gaabyo agoomunda. (Obubonero 8)***

(i) Okutonnya mmooli.

(ii) Okufuuka omusu gw'e Kanyanya.

(iii) Okukuba ez'okumagi.

(iv) Okuba endongo.

(v) Okulya mu ndago.

***(b) Kozesa ebisoko ebikuweereddwa mu sentensi eziggyayo obulungi amakulu gaabyo. (Obubonero 8)***

(i) Okubuuza embuga.

(ii) Okukomba ku erima.

(iii) Obudde okuvaako eddiba.

***Kola 4(a) ne 4(b).***

***4.(a) Maliriza engero ezikuweereddwa nga bwe zoogerwa. (Obubonero 6)***

(i) Gyotega amaggwa ……………………

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

(ii) ……………..ng'omunafu azadde kaliira.

(iii) Nnyama ntono……………………………..

(iv) Bakinaanise akyagala muka omubbi okuzaala abalongo.

(v) Omunafu addiŋŋana akira omulima nabbimbi.

## EKITUNDU C

***Damu ekibuuzo kimu okuva mu kitundu kino ng'okiggya mu nnamba 5, 6 oba 7.***

***Kola 5(a) oba 5(b).***

5.(a) Weesigame ku kimu ku bitabo bya Kaswa olage amagezi g"Abaganda ageeyolekera mu kutta enswa. ***(Obubonero 20)***

**OBA**

(b) Musajjamukulu omu Kaswa amweyitira "Mwoyo gwaggwanga". Olowooza nsonga ki kw'asinziira okumuyita atyo? ***(Obubonero 20)***

***Kola 6(a) oba 6(b).***

6.(a) Busuulwa awabudde atya omuvubuka w'omulembe omutebi ku bintu ebyenjawulo ng'ayita mu kuwandiika. ***(Obubonero 20)***

**OBA**

(b) Ebitabo bya Busuulwa bimwoleka bitya nga bwali munabyabuwangwa? ***(Obubonero 20)***

***Kola 7(a) oba 7(b).***

7.(a) Matovu Joy alaze atya obwannakazadde bw'eggwanga lye? ***(Obubonero 20)***

**OBA**

(b) Matovu yeeyolese atya nga munnabyafaayo mu kitabo "Eddaame Lya Nsimbi?" ***(Obubonero 20)***

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON **ECOLEBOOKS.COM**

# BIKOMYE WANO!

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM